

# Olunaku lwange olusooka mu busiraamu

Okunnyonnyola mu bugazi okw’ebikolo ebisatu ebikakata ku musiraamu omupya okubimanya

# Olunaku lwange olusooka mu busiraamu

**Okunnyonnyola mu bugazi okw'ebikolo ebisatu ebikakata ku musiraamu omupya okumanya**

مركز أصول
OsoulCenter

ح جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالربوة ، ١٤٤٥ هـ

أصول ، مركز

يومي الأول في الإسلام: شرح مبسط للأصول الثلاثة التي يجب على المسلم الجديد معرفتها باللغة اللوغندية. / مركز أصول - ط ١..- الرياض ، ١٤٤٥ هـ

٥٠ ص ؛ ١٤.٨ x ٢١ سم

رقم الإيداع: ١٤٤٥/٢١٩٠٢

ردمك: ٦-٣٣-٨٤٣٨-٦٠٣-٩٧٨

Osoul Center
www.osoulcenter.com

- Ekitongole ky'ateeseteese n'okutonaatona [ekitabo] olufulumya luno.
- Ekitongole kikkiriza okukuba [mu kyapa] olufulumya [lw'ekitabo] luno, n'okukisaasaanya mu ngeri yonna, naye nga ensibuko yakyo erina okulagibwa, era tewayina kubaawo kukyusa mu bigambo.
- Mu mbeera y'okukuba [mu kyapa], ebigero by'omutindo ebiteekebwawo ekitongole 'Usuul' biteekeddwa okulondoolwa.

بسم الله الرحمن الرحيم

**Ku lw'erinnya lya Allah Omusaasizi ennyo Ow'ekisa ekingi**



Ekikolo ekisooka
Ani mulezi wo — 13

Ekikolo eky okubiri
Eddiini yo kye ki — 21

Ekikolo eky okusatu
Ani Nnabbi wo — 37



# Entandikwa

# Obusiraamu
## y'eddiini ey'amazima

Eddiini y'Obusiraamu, y'eddiini ey'amazima Allah gy'eyasiimira abantu bonna, era y'eddiini Allah gy'atakkiriza etali yyo mu maaso ge, agamba Allah owa waggulu: {Mazima eddiini (ebalwa) awali Allah bwe busiraamu} [Surat Al-Imraan: 19], Era agamba ow'ekitiibwa era eyagulumira: {N'omuntu yenna anoonya obutali busiraamu okugifuula eddiini, ssi ya kukkirizibwa okuva gy'ali, era nga yye ku lunaku lw'enkomerero agenda kubeera mubafaafaaganiddwa.} [Surat Al-Imraan: 85].

Yenna ayingira eddiini y'Obusiraamu n'agyekwatako, mazima atambulira mu kkubo lya kitangaala na buluŋŋamu; ekkubo ettereevu eryanjulukufu erinnyonnyofu, erituusa eri Allah oyo eyatonda omuntu n'amuteekawo mu bulamu buno.

Eddiini y'Obusiraamu yajja n'okulongoosa embeera y'omuntu n'okumutebenkeza, n'okumwesiimisa mu bulamu bwe obw'ensi, nabwekityo okweesiima kwe n'obuwanguzi bwe mu bulamu obw'enkomerero oluvannyuma lw'okufa, mu kiseera Allah waanaamuyingiriza ejjana; abeere nga yeeyagala n'ebyengera ebirimu ebitaggwaawo.

Kikakata ku buli muntu okunoonya eddiini ey'amazima, era nga nayo bwe busiraamu, era agimanye, era agiyingire nga agikkirizza, era anywerere ku nsomesa zaayo n'ennamula zaayo, asobole okutuuka ku bulungi bwombi obw'ensi n'enkomerero.

# Omuntu ayingira atya mu busiraamu?

Omuntu ayingira mu busiraamu bw'agamba nti: (Nkakasa nti tewali kisinzibwa (mu mazima) okuggyako Allah, era (nkakasa nti) mazima Muhammad mubaka wa Allah), n'amazima n'okukakasa n'okumanya byekitegeeza, kale yenna ayogera ekigambo kino ng'amanyi amakulu gaakyo, nga waamazima mu kukyogera, nga akakasa era nga agoberera byekitegeeza, abeera ayingidde mu busiraamu. Oluvannyuma kimukakatako okusoma emirimu gy'obusiraamu egisigadde, era n'agikolerako okusinziira ku busozi bwe, era buli mirimu gye bwegyeyongera, obukkirizaabwe bweyongera era n'empeera ye neeba nnene mu maaso ga Allah owa waggulu.



## Amakulu g'okukakasa okw'emirundi ebiri (Nkakasa nti tewali kisinzibwa (mu mazima) okuggyako Allah, era (nkakasa nti) mazima Muhammad mubaka wa Allah):

Ddala oyingidde mu busiraamu n'ekigambo kyo ky'oyogedde [nti] (Nkakasa nti tewali kisinzibwa [mu mazima] okuggyako Allah, era [nkakasa nti] mazima Muhammad mubaka wa Allah), ng'okikkiririzaamu era nga okikakasa. Abaffe, omanyi obwennyini bw'amakulu gaakyo?

- Amakulu g'okukakasa nti tewali kisinzibwa (mu mazima) okuggyako Allah: kwekukakasa n'okukkiriza(mu mutima) nti mazima tewaliiyo kisinzibwa kigwana kusinzibwa na kugonderwa okuggyako Omusinzibwa omu, era nga ye Allah eyayawukana era owa waggulu, omutonzi w'ebiriwo era addukanya ensonga zaabyo.



- Ate amakulu g'okukakasa nti mazima Muhammad mubaka wa Allah: kwekukakasa n'okukkiriza (mu mutima) nti mazima Muhammad muddu wa Allah era mubaka we ow'enkomerero, eyatumwa eri abantu bonna, era n'okukolera kw'ekyo kyekitegeeza; (kwekuba ng') omugondera mu ky'aba alagidde, n'okumukakasa mu ky'aba ategeezezza / agambye, n'okwewala by'aba aziyizza era ne yeekesa, era n'obutasiinza Allah okuggyako n'ekyo ky'eyalagira.

## Yogaayoga olw'Obusiraamu:

Muganda wange ow'ekitiibwa, mazima olunaku lw'okuyingira kwo mu busiraamu lwe lunaku lwo olusinga ezisigadde okutwaliza awamu, kubanga kyakakata nti mazima nnabbi waffe Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba: «Obusiraamu bumenyawo ebyabukulembera» Yayogerwa Muslim, Amakulu nti Obusiraamu busiimuulawo buli kyewakola nga tonnasiramuka; nga obukaafiri (obuwakanyi), n'ebibi, n'ensobi, n'ebyonoono, kale sanyukira okusonyiwa kwa Allah owa waggulu, kuba ggwe olwaleero otukuzibbwa okuva mu nsobi zo, era obikkudde omuko omweru mu bulamu bwo, oddemu obeere mutukuvu ng'olunaku maama wo lweyakuzaala, era otandike obulamu obupya obujjudde obulungi, era otambulire mu kkubo ly'ekitangaala n'okwesiima n'essanyu.

## Okusanyuka olw'ekyengera ky'obusiraamu:

Mazima essanyu ery'amaanyi lyewawulidde nga oyingira mu busiraamu, liteekeddwa okusigala nga liri naawe obulamu bwo bwonna, kubanga ekyengera ky'obuluŋŋamu kyekimu ku byengera ebisinga ebbeeyi, era ekiweebwa ekisinga okuba eky'amaanyi, ekyo Allah owa waggulu ky'awa abaddu be, era kkyo ky'amaanyi okusinga eky'engera ky'omukka gwe tussa, n'amazzi n'emmere n'ebyokunywa, era ky'amaanyi okusinga emmaali n'ekifo n'ekitiibwa, era kkyo ky'ekyengera ekisinga obunene mu bulambalamba okutwaliza awamu, kale tuyinza tutya obutakisanyukira?! Agamba Allah owa waggulu: {Bagambe (Ggwe Nabbi Muhammad) nti ku lw'ebigabwa bya Katonda n'okusaasirakwe (okubawa eddiini yo'busiraamu) ku lw'ebyo basaana basanyuke, ebyo nno bye bisinga obulungi mw'ebyo byonna bye mukuŋŋaanya.} [Surat Yunus: 59]. Kale oteekeddwa okuwulira obulungi bwa Allah gyoli, bweyakulonda mu masekkati g'obukadde n'obukadde bw'abantu, obeere nga oyingira Obusiraamu, yagamba (Allah) owa waggulu: ﴿N'oyo Katonda gw'ayagadde okuluŋŋamya, ayanjululiza ekifuba kye eri Obusiraamu﴾ [Surat al-An'aam: 125], Era ekyengera kino ekinene eky'amaanyi kyetaaga okwebaza kungi, kale nno kikukwatako nnyo okuyitiriza okutendereza Allah owa waggulu, n'okumwebaza n'okumusuuta, oyo ow'ekitiibwa era owa waggulu, kulw'okukuluŋŋamya eri eddiini entuufu.

## Ebikolo ebiteekeddwa okumanyibwa:

Bw'oyingira mu ddiini y'Obusiraamu, mazima waliwo ensonga ezikukakatako okusoma n'okumanya, era muzo kwekumanya okuddamu ebibuuzo ebisatu ebikulu, ebyo ebibuuzibwa buli muntu oluvannyuma lw'okufa, era ebyo ebisalawo obuddo bwe obw'olubeerera; bubeere bwa mu jjana oba bubeere bwa mu muliro, era nga nabyo:

**Ani mulezi wo?**

**Ediini yo kye ki?**

**Ani Nnabbi wo?**



Ekikolo ekisooka

# Ani mulezi wo ?

## Omulezi wange ye Allah:

Omusiraamu akkiriza nti omulezi we ye (Allah) eyatonda ensi eno na buli kimu ekirimu, era n'atonda n'omuntu.

Ffe bwe tufumintiriza ku biriwo bino (mu nsi) eby'amaanyi n'ebibirimu mu bwengula obwewunyisa, nebwebikuŋŋanya mu buwumbi bwa zi sseŋŋendo n'emmunyenye, era bwe tufumiitiriza ku nsi eno gyetuliko n'ebigirimu mu bikko n'ensozi, n'olukalu n'ennyanja n'emigga, n'ebibirimu mu byewunyisa ebiri mu buziba bw'amayanja nemu malungu n'ebibira, era bwe tufumiitiriza ku byewunyisa ebiri kutondebwa kw'omuntu n'ebitonde ebirala, mazima okufumiitiriza kwaffe kujja kututuusa ku ky'okuddamu ekitaliiko buddukiro; nti mazima wateekeddwa okubaawo omutonzi ow'amaanyi, omumanyi, omusobozi, omugezi; yatonda ebiriwo bino n'abirungiya, kale tekisoboka bitonde bino kubaawo nga tewali Musinzibwa Mutonzi yabiteekawo, era n'ateekateeka ensonga zaabyo, era n'abikolera ddala mu ngeri ensukkulumu eyeewunyisa obwongo [bw'abantu], era ensonga eno Allah ow'ekitiibwa era owa waggulu yaginnyonnyola mu bulambulukufu eri buli ategeera bwe yagamba: {Oba batondwa awatali kintu (nti tewali Katonda yabatonda!) oba bo be batonda (ebitonde byonna nga nabo mwebali).} [Surat al-Tuur: 35], kale ebiriwo bino tebyeteekawo, ate era tebyateekebwawo nga tewali abitaddewo, ekyo tekisoboka eri abategeera!

## Allah y'asaanidde okusinzibwa yekka:

Omulezi oyo ye Musinzibwa agwanidde okusinzibwa yekka; kubanga ye mutonzi, omutambuza w'ensonga za buli kiri mu biriwo, era omugabirizi wa buli kimu; kale yye yeeyatonda abantu bonna era n'abateekawo mu nsi eno era n'abawa ebibayambako okuwangaala, agamba Allah owa waggulu: {Oyo mmwe ye katonda (Allah)' mukama (omulezi) wammwe, tewali kintu kyonna kisinzibwa mu butuufu okugyako yye yekka, omutonzi wa buli kintu, n'olwekyo mumusinze, era bulijjo y'alina obuyinza (n'obukuumi) ku buli kintu.} [Surat al-An'aam:102]. Kale kikakata ku buli muntu okusinza Allah yekka era n'obutamugattako mu kumusinza kintu kyonna, agamba Allah owa waggulu: {Abange (mmwe) abantu musinze Omulezi wammwe eyabatonda n'atonda n'abo abaabakulembera mulyoke mumutye mu ngeri eyannamaddala.} [Suratul Baqara: 21] era agamba (Allah) eyayawukana: {Musinze Allah era temumugattangako ekintu ekirala kyonna} [Surat al-Nisaa: 36].



## Okukoowoola kwa bannabi okudda eri okwawula Allah owa waggulu:

kyokka wadde nga ensonga eno nnambulukufu, naye era mazima Allah ow'amaanyi era ow'ekitiibwa olw'obulungi bwe n'obugabi, n'ekisaakye gyetuli, teyatutonda n'atuleka tudaagire mu bulamu, wabula yatutumira ababaka era n'abassaako ebitabo nga bitutegeeza kuyye era nga bitulagirira eri yye, yagamba [Allah] owa waggulu: {Mazima ffe twakutuma n'amazima nga oli musanyusa (eri abakkiriza) era nga oli mutiisa (eri abatakkiriza) era tewali kibiina kya bantu bonna okugyako nga omutiisa yabatuukamu.} [Surat Faatwir: 24].

Taata w'abantu [nnabbi] Adamu emirembe gibeere ku yye, ne bannabbi bonna, era nga mubo (mwe muli) Nuuh ne Ibrahim ne Musa ne Isa n'abalala mu bannabbi, n'okukomekkereza ne nnabbi waffe Muhammad -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- beegatta ku kikolo ekikulu, era nga nakyo kwe kukoowoola abantu okukkiriza Allah owa waggulu, n'okumwawula mu kusinza, era n'okulekayo okusinza ebitali yye mu bisinzibwa; mu bantu n'amayinja n'emiti n'emmunyenye ne zi sseŋŋendo n'ebirala, agamba Allah owa waggulu: ﴿Era mazima Twatumanga mu buli kibiina omubaka (abalagire nti:) Musinza Katonda, mwekeke (okusinza) ab'obulimba﴾ [Surat al-Nahli: 36], Era agamba ow'ekitiibwa ali waggulu: {Era tetwatuma oluberyeberye lwo Mubaka yenna okugyako nga tumutumira obubaka (nga tugamba) nti tewali kisinzibwa kyonna (mu butuufu) okugyako nze (Katonda) kale munsinze.} [Surat al-Anbiyaa: 25].



# Agamu ku mannya ga Allah n'ebitendo bye:

Allah owa waggulu alina amannya amalungi n'ebitendo ebya waggulu, buli bwetubimanya tweyongera okumanya omulezi waffe eyayawukana era owa waggulu, era tweyongera okumwagala, n'okumutya, n'okuba n'essuubi mu bulungi bwe n'obugabi bwe, agamba Allah owa waggulu: {Katonda y'oyo ewatali kisinzibwa kya mazima okugyako yye. Y'alina amannya agasinga obulungi.} [Surat Twaha: 8].

N'amannya ge agatutegeeza ebitendo bye mangi, kale mu mannya ga Allah owa waggulu:

- Omusaasizi ennyo era ow'ekisa ekingi: yagamba Allah owa waggulu: Mazima Katonda wammwe ali omu, tewali kisinzibwa kyonna (mu mazima) Okuggyako yye omusaasizi omuyitirivu w'okusaasira aliba n'okusaasira okwenjawulo (ku lunaku lw'enkomerero).} [Surat al-Baqara: 163], Kale ye nnyini kisa ekigazi era eky'amaanyi, ekyo ekibuna buli kimu, era ekibuna ebitonde byonna, era ekisaakye kyabuna ku nsi ebitonde bye byonna, mu bisolo n'abantu, abasiraamu n'abatali basiraamu, yagamba [Allah] owa waggulu: ﴿n'okusaasira Kwange kwabuna buli kintu﴾ [Surat al-A'raaf: 156], Kale yye y'abagabirira bonna n'abawa obulamu n'emmere n'abaana n'ebirala, naye kkyo ekisaakye ku nkomerero tekijja kubeera okujjako ku bakkiriza mu baddu be, abagoberera ba nnabbi be n'ababaka be, kale abo beebalina okusaasira okujjuvu okutuusa ku kwesiima okw'olubeerera.

- Omutonzi: yagamba [Allah] owa waggulu: ﴿Katonda (Allah) ye Mutonzi wa buli kintu﴾ [Surat al-Zumar: 62], Kale yye yeeyatonda amagulu n'ensi n'ebiri wakati waabyo, era n'atonda buli kimu okuva ku kanyinkuuli okutuuka ku bwengula, n'ebisingawo obunene, ate n'okutonda kwe kwali ku magezi (kigendererwa), na busobozi, na kulongoosa, era bwotyo tolaba mu kutonda kwe (ne mu bitonde bye) bukendeevu yadde obukyamu.

- Omusonyiyi ennyo: oyo asonyiwa ebyonoono byonna eri oyo eyeenenyezza nga waamazima, nebwaba yakola byenkana bitya mu mirimu egyasooka, sso era asobola okusonyiwa bingi mu bitonde bye mu mbeera ya bugabi okuva gyali -okuggyako okugattika mu kusinza Allah owa waggulu, kuba mazima ekyo tekisonyiyiibwa okuggyako na kwenenya-, era Allah yaggulirawo ebitonde bye ensonga zonna ez'okufuna okusonyiyiibwa kwe; mu ngeri y'okwenenya, n'okusaba okusonyiyiibwa, n'obukkiriza, n'emirimu emirungi, n'okulongoosa eri ebitonde bya Allah, yagamba [Allah] owa waggulu: {Era mazima nze ndi musonyiyi, eri oyo eyeenenya nakkiriza n'akola emirimu emirongoofu, ate oluvannyuma naluŋŋama (ku kkubo eggolokofu.} [Surat: Taa-Haa: 82].

- Omugabirizi ennyo: Nabwekityo Allah eyayawukana ye kabaka oyo alina mu mukono gwe amawanika ga buli kimu, era ye mugagga, era mu birungi bye kwekuba nti mazima yye mugabi, era tewali

kitonde okuggyako nga Allah y'akigabirila, yagamba [Allah] owa waggulu: {Ssaatonda mageege na bantu (kunkolera kirala kyonna) wabula ku lwa kunsinza (ate nga omugaso gw'okunsinza gudda gye bali)* Sibaagalamu Riziki (kungabira) era ssaagala bandiise.* Mazima Allah (Katonda) yye yemugabi (agabirira ebitonde) nannyini maanyi amayitirivu (Atalemwa), Omunywevu (Ow'olubeerera).} [Surat al-Dhaariyaat: 56-58].

- Ow'emirembe: Agulumizibwa Aggyibwako obumogo n'ebitendo by'obukendeevu byonna, oyo alina ebitendo eby'obujjuvu n'ekitiibwa n'obulungi, oyo ayagala mu baddu be okusaasanya emirembe mu bigambo n'ebikolwa, agamba Allah owa waggulu: ﴿Yye ye Katonda Oyo awatali asinzibwa mulala (mu butuufu) wabula Yye yekka;- Omufuzi (w'ebitonde byonna), Omutukuvu (ku buli bukendeevu) Katonda ensibuko y'Emirembe n'Obutebenkevu﴾ [Surat al-Hashr: 23].



- Omumanyi ennyo: Nate Allah owa waggulu awulira nnyo, alaba nnyo, mumanyi nnyo, okumanya kwe kwazingako buli kimu, kale yye amanyi ebiri mu lwatu, n'ebiri mu kyama, n'ebifuba byebikweka, era amanyi ebyaliwo olubereberye, n'ebiriwo kati, n'ebiri bawwo mu maaso, era ye mulondoozi oyo alaba emirimu gy'abaddu, kale tewali kimwekweka mu kugonda kw'abagonvu yadde okwonoona kw'aboonoonyi, yadde obwetaavu bw'abanafu, yadde amaloboozi g'abasaba, yagamba Allah owa waggulu: {Mazima Katonda Mumanyi wa buli kintu.} [Surat al-Ankabuut: 62].

Kale yye [Allah] eyayawukana ye mulezi w'ebitonde, oyo eyalungiya buli kimu mu kukitonda, na buli bulungi n'obujjuvu mu nsi eno, buufu (obulaga) obujjuvu bwe yye eyayawukana.





## Ekikolo eky okubiri

# Eddiini yo kye ki

### Eddiini yange Busiraamu:

Obusiraamu: kwekwewaayo eri Allah mu kumwawula, n'okumugoberera ng'agonderwa, n'okwewala okumugattako ekirala.

- Kale omusiraamu y'oyo ayingira mu ddiini y'Obusiraamu, neyeewaayo mu buli kimu eri Allah owa waggulu, ng'akkiriza okubaawo kwe n'obumu bwe, ng'agoberera ebiragiro bye, nga yeewala ebyo byeyamuziyiza, agamba Allah owa waggulu mu Kkulaani ey'ekitiibwa: {Ani munnaddiini okusinga oyo aba yeewaddeyo n'ekyenyi kye ewa Katonda, era naye nga mulongoosa (mu mirimu gye), era n'agoberera eddini ya Ibrahim (ey'obutakkiririza mu bisinzibwa byonna ebitali Katonda omu) omukkiriza owannamaddala, era nga Katonda yafuula Ibrahim mukwano gwe owenjawulo.} [Surat al-Nisaa: 125], Era agamba nti: {Ani ow'ebigambo ebirungi okusinga oyo akoowoola (abantu) okudda eri Katonda era naakola emirimu emirongoofu era naagamba (mu bigambo bye n'ebikolwa) nti mazima nze ndi mu beewa ewa Katonda (abagoberera amateeka ge)?.} [Surat Fusswilat: 33].



## Mu birungi by'eddiini y'Obusiraamu:

- Obusiraamu ddiini ya bwenkanya: eragira obwenkanya eri ow'okumpi n'oweewala (ow'oluganda n'atali), n'omulabe n'omunywanyi, n'omukkiriza n'omukaafiiri, agamba Allah owa waggulu: ﴿Mazima Katonda alagira bwenkanya﴾ [Surat al-Nahli: 90], Era Allah ow'amaanyi era ow'ekitiibwa, mulamuzi mwenkanya tewali noomu alyazaamanyizibwa waali, agamba [Allah] owa waggulu ku lunaku lw'enkomerero: {Olwaleero buli mwoyo gugenda kusasulwa olwebyo bye gwakola tewali kulyazaamaanya (n'akamu) olwaleero} [Surat Ghaafir: 17].

- Obusiraamu ddiini ya kisa: Allah owa waggulu agamba: {Tetwakutuma ggwe (Nabbi Muhammad) okugyako nga oli kya kusaasira eri ebitonde (byonna).} [Surat al-Anbiyaa: 107], Era nnabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere kuyye agamba: «Abasaasizi basaasirwa Omusaasizi, musaasire abooku nsi, ajja kubasaasira oyo ali mu ggulu» Yayogerwa Abu daawuda.

- Obusiraamu ddiini ya mukwano na bumu na kukwatagana: agamba nnabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye: «Omu mummwe tayinza kuba mukkiriza okutuusa nga ayagalizza mugandawe ekyo kyayagaliza omwoyo gwe» Yayogerwa Bukhari.



- Obusiraamu ddiini ya bwangu: Enjigiriza z'obusiraamu zirimu obwangu n'okuggyawo okukaluubiriza, ekimanyibwa buli asoma ku njigiriza zaabwo, agamba [Allah] owa waggulu: {Katonda Abaagaliza bwangu, era Tabaagaliza buzito} [Surat al-Baqara: 185], era agamba: {Tayagala Katonda kubassaako buzito bwonna} [Surat al-Maa'ida:6], era agamba: {Katonda Tawaliriza mwoyo wabula ekyo kye gusobola} [Surat al-Baqara: 286].

- Obusiraamu ddiini yaakumanya: era aaya(oba olunyiriri) eyasooka okukka mu Kkulaani, ye: {Soma ku lw'erinnya lya Mukama Katonda Omuleziwo oyo eyatonda.} [Surat al-Alaq: 1], Era Obusiraamu bukubiriza buli musiraamu omusajja n'omukyala okusoma n'okweyongera okumanya, Yagamba (Allah) owa waggulu: {era ogambenga (nga osaba) nti: Mukama wange nnyongera okumanya} [Surat Twaha: 114], Era omumanyi abeera n'eddaala erisinga okuba erya waggulu, agamba (Allah) eyayawukana era owa waggulu: {Katonda ajja kusitula abo abakkiriza mu mmwe (abawe amadaala agabasaana n'ekitiibwa) n'abo abaweebwa Okumanya amadaala (agasingako)} [Surat mujaadalah:11].

## Okubuna kw'eddiini y'Obusiraamu (mu nsi yonna):

- Obusiraamu ddiini ya bonna, nabwekityo teyeeyawulidde kifo mu nsi awatali birala, era teyeeyawulidde kika kya bantu awatali balala, era ssi ddiini yaabawalabu bokka, wabula yyo ddiini yaabantu bonna, y'agamba (Allah) owa waggulu nga ategeeza nnabbi we Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye mu Kkulaani ey'ekitiibwa: {Gamba (ggwe Nnabbi Muhammad), nti abange abantu, mazima nze ndi mubaka w'a Katonda, ntumiddwa gye muli mwenna, (Katonda) oyo alina obufuzi bw'eggulu n'ensi, tewali kintu kyonna kisinzibwa okugyako yye, awa obulamu, era n'atta, kale nno mukkirize Katonda n'omubaka we, Nabbi atasoma biwandiike era atawandiika, oyo akkiriza Katonda n'ebigambo bye, era mu mugoberere, olwo nno mube nga muluŋŋama.} [Suratul A'araaf: 158].

- Nga bw'eteeyawulidde mulembe gwayita, wabula yyo ddiini eyamazima okuva ku kutumibwa kwa nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye okutuusa ku lunaku lw'enkomerero, (Allah) owa waggulu yagamba: {N'omuntu yenna eyeegwanyiza eddiini etali busiraamu (agifuule eddiini ye), Allah tagenda kujikkiriza era ku nkomerero agenda kuba mw'abo abafaafaaganiddwa} [Surat Al-Imraan: 85].

## Ebiri mu ddiini y'Obusiraamu:

- Obusiraamu nkola ya bulamu; ey'omusiraamu nga omu, n'abasiraamu nga bali mu kibinja, n'ekibiina (umma) ky'obusiraamu kyonna, mu buli ludda na mu buli mbeera zonna, n'enkolagana mu; by'obufuzi n'ebyenfuna ne mu mbeera eza bulijjo, n'ebirala.

- Obusiraamu nzikiriza ate era Ssemateeka: kale bwo bulimu enzikiriza entuufu, n'ensinza ez'amaanyi, n'enkolagana ez'amagezi, n'empisa ennungi, n'enkola ennambulukufu.

- Enjigiriza z'obusiraamu n'amateeka gaabwo, binyweza enkolagana y'omuntu n'Omulezi we, n'enkolagana y'omuntu n'omwoyo gwe, n'enkolagana y'omuntu n'abantu abalala, era n'okutuusiza ddala ku nkolagana ye n'ebisolo n'ebitayina bulamu.

- Enjigiriza z'obusiraamu zibuna ebikwata ku kulongoosa omwoyo n'omubiri.

**Okutwaliza awamu: Obusiraamu bwajja n'ebirimu obulungi bw'abantu, n'okubalongoosa, n'essanyu lyabwe ku nsi ne ku nkomerero.**

# Ebikolo (Emisinji) by'enzikiriza y'Obusiraamu

## Empagi z'obukkiriza:

Ebikolo by'enzikiriza y'Obusiraamu byeyolekera mu kukkiririza n'okukakasa okunywevu mu nsonga mukaaga, ziyitibwa erinnya (empagi z'obukkiriza), era nga nazo:

**1- Okukkiririza mu Allah owa waggulu:** amakulu okukkiriza okubaawo kwa Allah, era nti mazima yye yekka ye mutonzi era nnyini buli kimu era omutambuza w'ensi n'eggulu na buli kirimu, era nti mazima yye yekka y'agwanidde okusinzibwa nga tewali kimugattibwako, era nti mazima yye atendebwa n'ebitendo ebirungi n'ebyekitiibwa, era nti mazima yye mujjuvu, yeesambisibwa buli kamogo n'obukendeevu, era nti mazima yye talina kimufaanana.



**2- Okukkiririza mu ba Malayika:** era nga nazo bitonde mu bitonde bya Allah owa waggulu, yazitonda lwa kumusinza, n'okugoberera okujjuvu eri ebiragiro bye, n'okuteeka mu nkola emirimu gyeyabalaalika okukola, kale tukkiriza nti weebali okutwaliza awamu, ng'era bwetukkiriza amannya n'ebitendo n'emirimu gy'ezo Allah zeyatubuulirako mu bulambulukufu; nga Jibriil Allah gw'atuma n'obubaka eri ba nnabbi n'ababaka, ne Miikaa'iilu eyakwasibwa ogw'enkuba n'ebimera, ne Israafiilu eyakwasibwa ogw'okufuuwa eŋŋombe, ne Malayika y'okufa etwala emyoyo gy'abantu, ne maaliku ekuuma omuliro.

**3- Okukkiririza mu bitabo:** era nga by'ebitabo Allah byeyassa ku babaka be; olw'okusaasira ebitonde, era n'okubiluŋŋamya; bibeere nga bituuka ku ssanyu ly'ensi n'enkomerero, kale tubikkiriza okutwalira awamu, era tukkiriza ebyo byetutegedde amannya gaabyo okuyita mu bubaka, mu bulambulukufu; nga Kulaani eyassibwa ku Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, ne Injil eyassibwa ku Isa emirembe gibeere ku yye, ne Tawraati eyassibwa ku Musa emirembe gibeere ku yye, ne Zzabbuur eyaweebwa Dawuda emirembe gibeere ku yye, ne Suhuf Allah gyeyassa ku Ibrahim emirembe gibeere ku yye.

**4- Okukkiririza mu babaka:** era nga bbo bantu, Allah yabassaako obuluŋŋamu, era n'abatuma eri abantu batuuse eddiini ye, omubereberye waabwe (eyasooka) ye Nuuh emirembe gibeere ku yye, era ow'enkomerero mubo ye Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, era baalina nga eddiini n'empisa ebijjuvu, era nga ekigendererwa ekikulu ekyabatumya; kukoowoola bantu kudda eri okwawula Allah eyayawukana era owa waggulu mu kumusinza, era balekeyo okumugattako n'okusinza ebitali yye, era bakole ebirungi, era baleke ebibi.

Nabwekityo tukkiriza nti Allah yatuma ababaka okuva mu bantu; n'akifuula kya buwaze ku baddu okubakakasa kwebyo byeboogedde (nti bya mazima) n'okubagondera n'okugoberera byebaba balagidde, era tumanyi nti mu bbo mulimu Allah beyatutegeeza amannya gaabwe n'ebyafaayo byabwe n'abantu baabwe, nga: Idriis, ne Nuuh, ne Ibrahim, ne Musa, ne Isa, ne Huud, ne Swaleh, ne Shuaib, ate waliwo Allah baataatubuulira mannya gaabwe: Allah owa waggulu yagamba: {Mazima twatuma ababaka oluberyeberye lwo, mu bo mulimu betwakunyumizaako, era mu bo mulimu betutaakunyumizaako, era Nabbi yenna yali tayinza kuleeta kya Magero Okuggyako nga Katonda yasazeewo, kale nno ekiragiro kya Katonda bwekirijja ensonga zirilamulwa mu mazima, era awo abonoonyi webalifaafaaganirwa.} [Surat al-Ghaafir: 78].



**5- Okukkiririza mu lunaku lw'enkomerero:** era nga lwe lunaku lw'okuyimirira, olwo Allah lwalizuukirizaamu abantu okubalwa n'okuweebwa empeera ku mirimu gyabwe egyo gyebaakola ku nsi; mu kiseera abantu lwebaliyawulwamu emiteeko ebiri, Abakkiriza banywerere mu jjana babeere muyo olubeerera, era abakaafiri (abawakanya) banywerere mu muliro babeere mugwo olubeerera, era buli eyali omukkiriza naye nga yakola ebyonoono, bajja kuba wakati weebibiri, Allah owa waggulu okumusonyiwa, oba okumubonereza okumala ekiseera, oluvannyuma amuyingize e jjana.

**6- Okukkiririza mu kugera okulungi n'okubi:** kale omusiraamu akkiriza nti mazima Allah amanyi ebyaliwo n'ebiribaawo, era nti mazima Allah yawandiika ebigero by'ebitonde (buli kiri bituukako), era n'ayagala bibe, bwatyo n'abiteekawo, kale tewali kibeerawo mu biriwo okujjako nga kiri mu kumanya kwe, n'okuwandiika kwe, n'okwagala kwe n'okutonda kwe, bwekiba kirungi kiba mu kusaasira kwa Allah owa waggulu , bwekitabeera bwekityo kiba kigezo okuva eri Allah owa waggulu, oba kibonerezo, era nga kibaddewo lwa magezi ga Allah owa waggulu na bwenkanya bwe, ebyo abantu byebatasobola kumalayo olw'obunene bwabyo n'obujjuvu bwabyo, era omuddu bwakkiririza mu kugera (kwa Allah) okulungi n'okubi, omutima gwe gutebenkera n'omwoyo gwe neguwummula, nawaayo ensonga ze zonna eri Allah owa waggulu (n'azimukwasa); kubanga mazima amanyi nti buli kimu kiri mu mikono gya Allah yekka; kale kyayagala kibeera, era kyatayagala tekiba.





## Empagi z’obusiraamu:

Empagi z’obusiraamu by’ebikolo byabwo ebizimbirwako, era nga ziri empagi ttaano, zikakata ku musiraamu okuziyimirizaawo:

1- **Okukakasa nti tewali kisinzibwa (mu butuufu) okuggyako Allah era (n’okakasa nti) mazima Muhammad mubaka wa Allah:** era nga kkwo kukakasa okwogerwa n’olulimi, era omutima negukwatagana nalwo, nti mazima Allah ye Musinzibwa omutuufu yekka tewali kimugattibwako, era mazima Muhammad okusaasira n’emirembe bibeere ku yye, ye mubaka atuusa ebiva ewa Allah.


2- **Okuyimirizaawo esswala**: kikakata ku musiraamu okusaala esswala ttaano emisana n’ekiro, esswala erina okuyimirira n’okukutama, n’okuvunnama; olw’okugulumiza Allah owa waggulu, era zirina ebiseera ebyavaako amannya gaazo, era nga nazo ze: esswala ya Fajiri, n’esswala ya Dhuhuri, n’esswala ya Aswiri, n’esswala ya Magharibi, n’esswala ya Isha, era waliwo n’esswala endala ezitali za buwaze (tteeka).

3- **Okuwa zzaka:** kwekubeera nti omusiraamu alina emmaali awaayo ekigero ekitono ekikomeke mu by’obugagga bye, nakiwaayo eri abakigwanira mu baavu n’abateesobola, n’abalala mw’abo abaweebwa zzaka.



**4- Okusiiba Ramanzaani:** kwekubeera nti omusiraamu alekayo ebyokulya n'ebyokunywa, n'ensonga z'obufumbo, n'ebiri nga ebyo mu bisiibulula, okuva emmambya lw'esala okutuusa enjuba lwegwa, mu mwezi gwa lamanzaani; (nga akikola) olw'okusinza Allah owa waggulu.

**5- Okulamaga ku nyumba ya Allah ey'emizizo(kaaba):** era nga nakwo kwe kugenda kw'omusiraamu mu Makka ey'ekitiibwa; olw'okusinza Allah owa waggulu, ng'ayimirizaawo obubonero bwa hijja, n'ebwekibeera kya mulundi gumu mu buwangaazi, eri oyo akisobola.



## Okusinza mu busiraamu:

**Okusinza:** kwekwawula Allah owa waggulu n'okusembera eri Allah na (nga oyita mu) buli kyayagala era kyasiima mu bigambo n'ebikolwa, ebyeyolefu n'ebyekwese.

- **Mu bimu ku bigambo (eby'okusinza):** okusoma Kulaani, okusaba, okutendereza Allah owa waggulu, okuyigiriza okumanya okugasa, okubuulirira abalala, n'ebirala.
- **Ate mu bikolwa (mirimu):** okwetukuza, n'okusaala, n'okukola hijja, n'okukola ku byetaago by'abantu, n'ebirala.
- **Ate ebyeyolefu:** by'ebikolwa ebirabika era ebirabwa oba ebiwulirwa, n'ebiri nga ebyo; nga okusaala, n'okukola hijja, n'okusoma Kulaani, n'okukoowoola okudda eri Allah, n'okuyungagana n'abeŋŋanda.
- **Ate ebyekwese:** gy'emirimu egibeera mu mutima; nga okwagala Allah owa waggulu, n'okuba n'essuubi mu yye, n'okumutya, n'okumwekeka, n'okwesigamira Allah owa waggulu.



## Obukulu bw'Okusinza mu busiraamu:

Okusinza Allah owa waggulu ky'ekigendererwa lwaki Allah yatonda abantu, yagamba (Allah) owa waggulu: {Ssaatonda mageege na bantu (ku nkolera kirala kyonna) wabula ku lwa kunsinza (ate nga omugaso gw'okunsinza gudda gye bali)} [Surat al-Dhaariyaat: 56].

Okusinza kwateekebwawo olw'ebigendererwa ebikulu, n'ebirungi ebingi ebituukirira mu myoyo gy'abantu ne mu bulamu bwabwe, era mu birungi by'okusinza nti mazima kkwo kutukuza emyoyo, nekugiyonja, nekugisitula okutuuka ku madaala g'obuntu agasinga obujjuvu.

Omuntu mwetaavu eri okusinza, obwetaavu obusinga okuba obw'amaanyi, kale nga omubiri gwe bwe gwetaaga emmere n'ebyokunywa, nabwekityo omutima gwe n'omwoyo gwe byetaaga okwolekera eri Allah n'okusinza; era omwoyo tegutebeenkera okujjako nakwogera ku Allah n'okumusinza, era omutima tegusanyuka era n'ekifuba tekyanjulukuka okujjako nakusembera eri Allah owa waggulu, n'okulongoosa enkwatagana naye. Kale nno, bannyini kusinza okwannamaddala bebasinga abantu okwesiima, era bebabasinga ebifuba ebyanjulukufu, era yenna ayagala essanyu, yenywereze ku mulyango gw'okusinza Allah yekka.



## Ebiri mu kusinza mu busiraamu:


Okusinza mu busiraamu kuzingiramu emirimu gyonna emirungi egyo Allah gyayagala, era gyetusembera olw'okugikola eri Allah ow'amaanyi era ow'ekitiibwa, era kutwaliramu:

- Obubonero bw'okusinza: nga okusaala, n'okutoola zakat, n'okusiiba, n'okukola hijja, n'okusoma Kulaani, n'okusaba, n'okwogera ku Allah owa waggulu, n'ebirala.

- N'enkolagana ennungi: ng'okuyisa obulungi abazadde, n'okuyunga eŋŋanda, n'okukolagana obulungi n'omukyala n'abaana,, n'okugula n'okutunda obulungi, n'okutuukiriza emirimu mu ngeri eyannamaddala, n'okuyisa obulungi baliraanwa, n'okuyamba abateesobola, n'okuyisa obulungi ebisolo, n'ebitali ebyo.

- Nabwekityo kutwaliramu empisa ennungi: ng'okwogera amazima, n'okukuuma obwesigwa, n'okutuukiriza endagaano, n'okumwenya, n'ekigambo ekirungi, n'ensonyi, n'empisa endala ezitali ezo.

Kale omusiraamu asinza Allah mu mbeera ze zonna; asinza Allah mu muzikiti, ne mu nnyumba, ne ku mulimu, na buli kifo kyonna, era obulamu bwe bwonna bwa Allah owa waggulu, yagamba [Allah] owa waggulu: {Gamba (Ggwe Muhammad) nti mazima okusaala kwange, n'okusaddaaka kwange e bisolo, n'obulamu bwange, n'okufa kwange, byonna biri eri Allah Omulabirizi w'ebitonde (byonna).} [Surat al-An'aam: 162].







# Ekikolo ekyokusatu

# Ani Nnabbi wo

## Nnabbi wange [ye] Muhammad okusaasira n’emirembe bibeere ku yye:

Nabbi waffe ye: Muhammad mutabani wa Abdallah mutabani wa Abdulmuttwalib mutabani wa Haashim, era nga ensibuko ye eddayo ku nnabbi wa Allah Ismail mutabani wa nnabbi wa Allah Ibrahim, emirembe n’okusaasira ebisinga bibeere ku bombiriri ne ku nnabbi waffe.

Allah yamutuma mu Makka ey’ekitiibwa ng’alina emyaka ana, n’amussaako Kkulaani, bwatyo naakowoola abantu okudda eri okwawula Allah n’eddiini y’Obusiraamu, abantu be nebamunakuwaza okunakuwaza okusinga okuba okw’amaanyi, nebabonyabonya ba swahaaba be era nebabaako omuwendo gwe batta mu bo, oluvannyuma n’asenguka nga adda mu kibuga Yathrib (oluvannyuma erinnya lyakyo ne lifuuka Madiina ey’obwannabbi), oluvannyuma lw’emyaka kkumin’esatu, yayimirizaayo eggwanga ly’obusiraamu, era n’atandika (society) ekibiina ky’Obusiraamu,



era n’akisigalamu (ekibuga) emyaka kkumi ng’aluŋŋamya n’okuwabula n’okukoowoola n’okusomesa, n’asigala kw’ekyo okutuusa amateeka g’Obusiraamu bwegajjula, era Obusiraamu bwebutyo nebuggwaayo era eddiini n’ejjula, era ekigambo kya Allah owa waggulu nekikka: {Olwaleero mbajjuliza eddiini yammwe era nembajjuliza n’ekyengera kyange nembasiimira mmwe obusiraamu okuba eddiini} [Surat Maa-idah: 3].

Oluvannyuma [nnabbi] yafa okusaasira n’emirembe bibeere ku yye, oluvannyuma lw’amaaso ge okutebenkera n’okulaba abantu nga bayingira mu ddiini ya Allah olw’omukwano n’okweyagalira, nga Allah ow’ekitiibwa era owa waggulu bweyagamba: {Okutaasa kwa Katonda n’obuwanguzi bwe bwe biriba bizze (1) Oliraba abantu nga bayingira e ddiini ya Katonda (obusiraamu) mu bibinja (2) Kale nno tendereza Mukama Katondawo n’ebitendo bye (ebijjuvu), era omwetondere, mazima yye akkiriza okwenenya.} [Surat al-Nasr: 1-3].

## Nnabbi ow’ekisa:

Nabbi waffe Muhammad okusaasira n’emirembe bibeere ku yye ye nnabbi w’okusaasira, ekisa tekyamwawukanako mu byafaayo bye byonna, era na mubuli ddaala lya bulamu bwe n’embeera ze, yagamba Allah owa waggulu: {Tetwakutuma ggwe (Nabbi Muhammad) okugyako nga oli kya kusaasira eri ebitonde (byonna)} [Surat al-Anbiyaa: 107]. Era mu kisaakye okusaasira n’emirembe bibeere ku yye, kwekuba nti mazima yye yali afaayo nyo okuluŋŋamya abantu, n’okubaggya mu bizikiza by’obutakkiriza n’obutamanya n’okuwaba, okudda eri ekitangaala ky’obukkiriza



n'okumanya n'obuluŋŋamu, abantu be bwebatakkiriza, yabula okufa ennaku olw'okunyolwa olw'okuba tebakkirizza, yagamba [Allah] owa waggulu: {Olw'okunnyolwa, olabika nga obula kwezikiriza mwoyo gwo ku lwabwe olw'okuba tebakkiriza bigambo bino.} [Surat al-Kahf: 6]. Era amakulu g'okusaasira kwe geeyolekera mu kufaayo kwe eri abakkiriza n'ekisa kye gyebali, yagamba [Allah] owa waggulu: {Mazima omubaka yabajjira nga ava mu mmwe mwennyini nga kimuzitoowerera nnyo ekyo ekibakaluubiriza, ng'alulunkanira ku mmwe (obbalungamya) era eri abakkiriza bonna mukwata mpola, musaasizi} [Surat al-Tawba: 128], ne mu kufuba kwe okwanguya eddiini n'obutabinika (obutatikka) kibiina kye kinaabakaluubiriza, awamu n'ekyo kyebatasobola kukola, yagamba [nnabbi] okusaasira n'emirembe bibeere ku yye: «mwanguyize era temukaluubiriza, era musanyuse ate temwesambya» yayogerwa Bukhari ne Muslim.

Omwoyo gw'omubaka ow'ekitiibwa gwajjula ekisa, era ye yali asinga abantu okusaasira abakyala n'abaana, omu kuba swahaaba be yagamba, era nga ye Anas mutabani wa Maalik Allah amusiime: «ssaalaba muntu asinga kisa eri baana kusinga mubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye» yayogerwa Muslim.

Ekisa kye [Nabbi Muhammad] okusaasira n'emirembe bibeere ku yye tekyakoma ku bantu, wabula kyabasukka ne kituuka ne ku bisolo, n'akoowoola okudda eri okubiyisa obulungi, neyeekesa okubinakuwaza, n'annyonnyola ba swahaaba be nti omukyala malaaya yanywesa embwa Allah n'amusonyiwa n'amuyingiza ejjana, era nti omukyala yayingira omuliro; olwokuba nti yasiba kkapa naatagiwa kyakulya okutuusa lwe yafa.


## Obubaka bwe bubuna eri abantu bonna:

Ba nnabbi n'ababaka abaasooka -okusaasira n'emirembe bibeere ku bbo- baali nga batumwa eri bantu baabwe bokka, naye yye nnabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, obubaka bwe bubuna eri abantu bonna mu buli kiseera na buli kifo.

Allah owa waggulu yagamba: {Tetwakutuma (Ggwe Muhammadi) wabula eri abantu bonna ng'oli mubuulizi asanyusa abakkiriza era ng'oli mutiisa (atiisa abajeemu)} [Surat Saba'a: 28].

Allah owa waggulu yagamba: {Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Abange mmwe abantu! Mazima nze ndi mubaka wa Katonda ntumiddwa gye muli mwenna} [Suratul A'araaf: 158].

Nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye yagamba: «era nnabbi yatumwa nga eri bantu be bokka, naye nze natumwa eri abantu bonna» Yayogerwa Bukhari. Kale kikakata ku buli muntu okuva [nabbi] bweyatumibwa -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-, ne kumulembe guno n'okutuusa enkomerero lweriyimirirawo okumugoberera n'okukakasa ebyo bye yajja nabyo, n'okuyingira mu ddiini ye, kuba Allah yafundikira naye obubaka bwomu ggulu, naakifuula kyabuwaze okumugondera; era yenna amugondera yeesiima ku nsi, era n'ayingira ejjana ku nkomerero, ate era yenna amujeemera abonaabona ku nsi, era n'ayingira omuliro ku nkomerero, yagamba [Allah] owa waggulu: {na yenna aligobereraokuluŋŋamya kwange (okulireetebwa ababaka) talibula era talibonaabona. (123) Ate oye ava ku kubuulirira kwange, mazima waakuba n'obuwangaazi obukalubo, ate ku lunaku lw'enkomerero tugenda kumuzuukiza nga muzibe.} [Surat Twaha: 123, 124].





## Omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye mu nyumba ye n'abantu be:

Ennyumba y'omuntu ky'ekifo ekinnyonnyola obulungi bw'empisa ze, n'obujjuvu bw'enneeyisa ye ennungi, n'obulungi bw'empangaala ye [n'abalala], omuntu bw'abeera ne mukyala we oba abaana be oba omuweereza we, mu butuufu yeeyisiza ddala mu nneeyisa ye [ey'amazima] nga teyeekase.

Yenna eyeetegereza embeera y'omubaka w'ekibiina ky'obusiraamu era omukulembeze waakyo era omusomesa waakyo -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- mu nyumba ye, akisanga nti mazima yawa ekifaananyi ekisinga obulungi, ku ngeri omusajja omulungi bwasanye okubeera mu nyumba ye era n'abantu be n'abaana be.

Mukyala wa nnabbi Aisha Allah amusiime yagambibwa: nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yali akola [mirirmu] ki mu nyumba? N'agamba: «yali nga ku mulimu gw'abantu be -ng'ategeeza kuweereza bantu be- nga esswala bwetuuka, afuluma n'agenda ku swala» Yayogerwa Muslim. Era nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yeeyali asinga abantu obulungi eri abantu be ne bakyala be, awa ekifaananyi ekirungi ku kuwangaala obulungi [n'abantu], n'okuba omugonvu, n'okumanya ebyetaago bya mukyala we eby'ekisa eky'obutonde n'ebyomwoyo, era akozesa embeera eziba zibaddewo ez'enjawulo okuyingiza essanyu gyali n'okumusanyusa, Aa'isha Allah amusiime agamba: «ddala nalaba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye olunaku lumu ku mulyango gw'enyumba yange, ng'aba "ethiopia" bazannyira [amakulu beetendekera] mu muzikiti, era nga omubaka wa Allah ambikka n'essuuka ye, nga ndaba okuzannya kwabwe» Yayogerwa Bukhari ne Muslim.

Omubaka wa Allah okusaasira n’emirembe bibeere ku yye yali nga ayagala bawala be era nga abagulumiza, era muwala we Fatuma yali nga bwayingira waali, ayimirira okumwaniriza n’amunywegera n’amutuuza waatudde, era yali nga alambula bawala be ng’abuuliriza okumanya bwebali.

Mu biraamo bye eri ekibiina kye okusaasira n’emirembe bibeere ku yye, ky’ekigambo kye ekigamba nti: «muyise bulungi abakyala» Yayogerwa Bukhari ne Muslim.



## Mu mpisa za nnabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere kuyye:

Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yali musukkulumu nnyo ku bantu mu mpisa, era nga yaabasinga mu neeyisa, era Allah owa waggulu yamutenda n'ekigambo kye: {Era mazima ddala Ggwe oli ku mpisa engulumivu (ez'obuntu ennungi ennyo)} [Surat al-Qalam, aaya:4], Era yali nga wanjawulo mu bujjuvu bw'empisa ze nga tewali amwenkana, engeri gyeyakuumibwa ku buli kya bukendeevu, era n'afuna obujjuvu ku buli kirungi, era yali nga empisa ze Kulaani ey'ekitiibwa, nga yeeyisa nga bwegamba, era nga agunjula nayo abantu [nabo beeyise nga bwegamba], era mu mpisa ze okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

- Yeeyali asingira ddala abantu obuguminkiriza, n'ensa, n'okuwaayo, n'obugabi.
- Yeeyali asinga abantu ensonyi.
- Yali nga mwetowaze, nga ayanukula okuyitibwa(omulanga) kwa buli omu, era akkiriza ekirabo nebwekiba kitono kitya, era nga abaako kyaddiza akimuwadde [mu kumusasula].
- Yali nga alambula abalwadde, nga yeetaba mu kuziika, nga atuula n'abaavu, nga alya n'abateesobola, era nga agulumiza abagagga n'abempisa, era nga akwatagana n'abebitiibwa.
- Tewali yamujjira nga okujjako nga ayimirira naye mu bwetaavu bwe [okubumumalira], era teyali mukakanyavu, yadde okuba omukambwe, era yali nga ekibi takisasula na kibi, wabula yali nga asonyiwa ate n'atabagana, Okuggyako nga ensalosalo za Allah zisukkiddwa; mu mbeera eyo nga anyiiga ku lwa Allah sossi kululwe nga yye.
- Yali nga mu mpisa ze nga yasooka okutoolera gw'asanze salaam, era yali nga bwasisinkana omu kuba swahaaba be, yasooka okumukwata mu ngalo.



- Yali nga ayolekeza gw'atudde naye obwenyi bwe, n'okumuwuliriza, n'okunyumya naye, n'okumuwa ku birungi bye n'okumuwabula.
- Yeeyali nga asinga abantu ekisa, era nga y'abasinga obulungi, era nga y'asinga abantu okuba ow'omugaso eri abantu.
- Yali nga asaaga ate nga tayogera okujjako mazima, muyitirivu wa kumwenya, nga aseka naye nga tavaamu ddoboozi, nga avuganyamu ne bakyala be era nga asaaga nabo.
- Yali nga alya ekizze, era nga tagaana ky'afunye, era nga tayogera bubi ku mmere naakamu, bweyasanga ngawo entende nga z'alya, era bweyasanga nga ennyama nga ajirya, era bwaba afunye mugaati, ssisonga gwa "burru" oba "sha'iiru" agulya, era nga bwafuna (swiiti) ekiwoomerera oba omubisi alya, era bwafuna amata nga tekuli mugaati, nga abeerawo nagwo [kwa'asiiba], era bwafuna ensujju/watermelon oba entende eyaakayengera ajirya.
- Yali nga ayambala kyafunye, olumu suuka engazi, olulala jubba eya ppamba, nga kyonna kyafuna mu bikkirizibwa ky'ayambala.
- Yali nga yeebagala ekimwanguyidde, olumu mbalaasi, olulala ŋamiya, olulala "baghla" (ensolo eva wakati w'embalaasi n'endogoyi), olulala ndogoyi, oba nga atambuza bigere.
- Yali nga tayitwaako kadde nga takoleddeemu mulimu gwa Allah owa waggulu [ogumusembeza jaali], oba ekyo ekiteebeereka mu kimuyamba n'abantu b'ennyumba ye.

N'ezitali ezo mu mpisa ennungi [zeyalina], n'empangaala ennungi [n'abantu], okusaasira n'emirembe bibeere ku yye.



# Okuwumbawumba/ Enkomerero



Obusiraamu ddiini y'amaanyi, era butuusa ku musiraamu nga ssekinnoomu -oyo eyeekwata ku njigiriza zaabwo- obutebenkevu n'obulamu obulungi n'okutereera kw'embeera [ye] mu nsi, n'ebyengera ebitaggwawo n'okwesiima okw'olubeerera ku nkomerero, era nabwekityo butuusa ku "sosayate" y'abasiraamu abeekwata ku njigiriza zaabwo, okusukkuluma, n'okukulaakulana, n'okuyitimuka, n'okweyongera, n'obumu mubbo [mu mpangaalagana], n'eddembe n'obutebenkevu.

N’olwekyo tukwozaayoza gwe aluŋŋamye eri Obusiraamu; kulw’ekyengera ekyo ey’ekitiibwa, kale oyo ayiga enzikiriza yaabwo n’amateeka gaabwo, n’enjigiriza zaabwo n’ennamula zaabwo, n’empisa zaabwo n’ennono zaabwo, n’abyekwatako mu mwoyo gwe, era n’abinywererako mu mbeera z’obulamu bwe zonna okusinziira ku busozi bwe, mazima ddala yye ajja kulaba obuufu bw’obusiraamu kuye, era butya bwebumuggyamu omuntu omulongoofu, nga asanyuka mu mwoyo gwe, era nga asanyusa naabo abamwetoolodde bonna; [nga] mu bazadde bombiriri n’omukyala n’abaana, n’abeŋŋanda ne baliraanwa n’abeemikwano, na buli yenna akolagana n’omusiraamu oyo; Allah gweyagulumiza n’okuyingira mu ddiini ye, n’okutambulira mu kkubo erituusa gyali.

Ekitabo kino [ekitono]; y’entandikwa y’ekkubo lyo mu kuyiga amateeka g’eddiini yo, oluvannyuma lwakyo kikukakatako okulafuubana okweyongera okumanya okugasa, n’emirimu emirungi n’okutukuza omwoyo gwo n’okulongoosa omutima gwo, era buli okumanya kwo okw’obusiraamu bwe kweyongera, n’okukolera kwo ku by’oyize; weeyongera okusembera eri omulezi wo omugabi ow’amaanyi era ow’ekitiibwa. Kale bambi nno wettanire nnyo Kulaani ey’ekitiibwa mu kugiyiga n’okugisoma n’okufumintiriza ku nnyiriri (aaya) zaayo, era soma ku byafaayo by’omubaka wa Allah Muhammad okusaasira n’emirembe bibeere ku yye n’enkola ye; kubanga yye kye kyokulabirako kyo kyogoberera mu bulamu buno, era yeeyekka Allah gweyakulagira okukkiriza buli kyeyajja nakyo, naye abantu abalala [abasigadde], nebwebaba batuuse ku ddaala litya; mazima mu bigambo byabwe, mukkirizibwamu ebiba bikwatagana ne Kkulaani awamu era n’enkola y’annabbi, kati ebiba bibyawukanako ne bigaanibwa, era nkwewaza okukaayana mu ddiini, era weesambe nnyo eby’okuyomba n’okwawukana n’okusikagana omuguwa ne baganda bo abasiraamu.

Tusaba Allah atuwe naawe akuwe obulungi n’obunywevu ku ddiini eno okutuusa lwetunaamusisinkana nga atusiimye, era amatendo [amalunji amajjuvu] ga Allah omulezi w’ebitonde [byonna], era okusaasira n’emirembe bibeere ku nnabbi waffe Muhammad, ne ku bantu be ne ba swahaaba be bonna, na buli anaamugoberera okutuusa ku lunaku lw’enkomerero.

مركز أصول
OsoulCenter
www.osoulcenter.com

Kubaganya ebirowoozo ku busiraamu mu nnimi ez'enjawulo

Okumanya ebisingawo ku busiraamu

**Yenna ayingira mu ddiini y'Obusiraamu naagyekwatako,** ddala atambulira mu kkubo ly'ekitangaala n'obuluŋŋamu, ekkubo eggolokofu eddambulukufu erinnyonnyofu ; eryo erituusa ewa Allah, oyo eyatonda omuntu era naamuteeka mu bulamu buno.

**Era eddiini y'Obusiraamu yajja n'okulongoosa embeera y'omuntu n'okumutebenkeza,** n'okumwesiimisa mu bulamu bwe obw'ensi, nabwekityo okweesiima kwe n'obuwanguzi bwe mu bulamu obw'enkomerero oluvannyuma lw'okufa, mu kiseera Allah waanaamuyingiriza ejjana; abeere nga yeeyagala n'ebyengera ebirimu ebitaggwaawo.

**Era kikakata ku buli muntu okunoonya eddiini ey'amazima,** era nga nayo bwe busiraamu, era agimanye, era agiyingire nga agikkirizza, era anywerere ku nsomesa zaayo n'ennamula zaayo, asobole okutuuka ku bulungi bwombi obw'ensi n'enkomerero.

osoulcenter

www.osoulcontent.org.sa

Okufuna ekitabo [kino], n'ebitabo ebirala
mu nnimi ez'enjawulo

OSOUL STORE

osoulstore.com